# Aba UEDCL bafulumizza emiwendo gy'amasannyalaze emipya

Bya JOSEPH MAKUMBI

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku kubuyisa amasannyalaze mu ggwanga ekya Uganda Electricity Distribution Company Limited (UEDCL) kifulumizza emiwendo gy'amasannyalaze bakasitoma baakyo kwe bagenda okugagulira okuva leero nga January 1 okutuuka March 31, 2026.

Emiwendo gino gitambulira mu nsengeka y'omwaka gw'ebyensimbi 2025/2025 era gigenda kukola mu kitundu ky'omwaka eky'okusatu (third quarter).

Okusinziira ku UEDCL, abantu abakozesa amasannyaaze mu maka gaabwe, unit 15 ezisooka baakuzigulira ku nnusu 250 buli unit ate okuva ku unit 16 okutuuka ku unit 80 baakuzigulira ku nnusu 756.2. Unit okuva ku 81 okutuuka ku 150, baakuzigulira ku nnusu 412 ate unit ezigenda waggulu wa 150, baakuzigulira ku 756.2.


Ate ab'amakolero abakozesa amasannylaze amangi (three-phase) nga bye bagakozesa tebisussa bungi bwa 100Amps, mu budde bwe bakozesezaamu amasannyalaze amangi baakusasula nnusu 650.8 ku buli unit, mu budde bwe bakozesa amasannyalaze nga si mangi nnyo baakusasula nnusu 546.4 ate mu budde mwe bakolera ekitono ddala buli unit baakugigula nnusu 546.4.



Akulira ekitongole kya UEDCL, Paul Mwesigwa.

Ab'obukolero obutono abakozesa amasannyalaze agatasukka 500kVA, mu budde bw'okukola emirimu emingi baakugagula nnusu 428 buli unit, mu budde bw'emirimu emitono baakugagula nnusu 355.1 ate mu budde bw'eirimu nga mitono ddala baakugagula nnusu 275.6.

Abatali ba makolero naye nga bakozesa amasannyalaze agatasukka 500kVA baakusasula nnusu 497.5 mu budde bwe bakola ennyo ate mu budde ng'emirimu gikendedde, baakusasula 412.8 ate mu budde nga bye bakola bitono ddala baakusasula 320.4.


Waya z'amasannyalaze.

Ab'amakolero amanene agakoseza amasannyalaze agasukka 500kVA naye nga tegasussa 1,500kVA baakugagula ku nnusu 370.5, mu budde bw'emirimu emingi ate mu biseera ng'emirimu mitonotono baakugagula 300.4 ate mu biseera ng'emirimu mitono ddala, bajja kugabaguza ku nnusu 231.6 buli unit.

Ab'amakolero ng'amasannyalaze ge bakozesa geeyongerako obungi, mu biseera mwe bakolera ennyo bajja kugabaguza ku nnusu 349 ate mu budde nga emirimu mitono bajja kugagula 282.9 ate mu biseera ng'emirimu mitono ddala bajja kugagula 218.1 buli unit.

Ab'amakolero amanene mu budde mwe bakolera ennyo bajja kugabaguza 420.5 ate mu biseera nga emirimu mitono gajja kuba ga 348.7 ate nga emirimu mitono ddala bajja kugagula 278.2 buli unit.

Ku makolero amanene ennyo abakola eby'amaguzi, mu biseera mwe bakolera ennyo bajja kugagula 229.1 ate ng'emirimu mitotono gajja kuba ku 203.6 ate mu biseera nga emirimu mitono bajja kugagula 184.6 buli unit. Ate amakolero amalala amanene ennyo gajja kugagula 305.4 mu budde mwe bakolera ennyo ate mwe bakolera emirimu nga si mingi, bajja kugagula 203.6 ne mu biseera ng'emirimu mitono, bajja kugagula 184.6.